


ERIA LUYIMBAZI

Dr. Zalwango yeenyigidde mu kulongoosa e Masanafu.

# KCCA ewabudde abantu ku Ebola

Bya ERIA LUYIMBAZI

KCCA esabye abantu okukuuma obuyonjo n'okugoberera okulambika kw'abeebyobulamu, kitangire okusaasaanya obulwadde bwa Ebola.

Akulira KCCA, Hajati Sharifa Buzeki yagambye nti, abantu basaanidde okufaayo okukuuma obuyonjo mu maka gaabwe ne gye batambulira.

Yabakubirizza okunaaba mu ngalo kitangire okusaasaana omusujja, ekiddukano ne Ebola eyalangiriddwa nti mu ggwanga mw'ali nga yava Congo kuba abantu baayo batera okujja mu Kampala okusuubula.

Yagambye nti, abantu tebasaanye kulinda KCCA kubalagira kweyonja wabula bo bennyini beeyonje kitangire ebirwadde.

Akulira ebyobulamu mu KCCA, Dr. Sarah Zalwango yagambye nti, abantu ba Kampala balina okwekuuma Ebola nga bakola ebyalambikiddwa omuli; okunaaba mu ngalo n'amazzi amayonjo ne ssabbuuni, obuteegwa mu bifuba, okwewala okukwata mu ngalo, okwewala okuliraana atuuyanye n'ebirala.

## Kye bagamba



Hajji Muhammad Bukenya; Abantu bafeeyo bamanye obukulu bw'okukuuma obuyonjo, kuba waliwo abatakifaako.



Allen Nakiku; Kyandibadde kya makulu abatwala kasasiro okumwanguyira bamuggye mu bantu kuba bwe balwawo, yeetuuma ne kivaako endwadde.



David Kagumba; Okusobola okutumbula ebyobulamu mu Kampala, KCCA eddemu okufuuyira ensiri kuba zibeera nnyo mu kasasiro.

Ssentebe wa Masanafu Kinoonya, Sepiriya Kabuuka yasabye KCCA okuzimba eddwaaliro mu muluka gwa Lubya kuba mu kiseera kino gwe gusingamu abantu naye tebalina we bajjanjabirwa nga balina kugenda mu ly'e Kawaala eryesudde.